**19th March 2017.**

# KATONDA ALI WAGGULU ENNYO Y'AFUGA OBWAKABAKA BW'ABANTU.

**Danyeri 5.**

Tweebaza nnyo Mukama olw’ensomesa zaffe okusinziira mu kitabo kya Danyeri kubanga nze ku lwange zimpadde okusoomoozebwa okuwerako awamu n’okuyigirizibwa kungi ku Mukama n’okwagala kwe gyetuli, awamu n’okwolesebwa kw’ekitiibwa kye n’obulungi bwe ebijjudde amagezi amayitirivu, byonna ebinyongedde okkula mu mwooyo, n’okunyongera ebuziba mu Yye mu ngeri nnyingi. Nkiwa nti ffenna tuganyulwa nnyo mu ngeri ez’enjawulo nga bwe kyawandiikibwa mu Isaaya 55:10,11 nti……..

Leero, mu ssuula ey’okutaano tubuusibwa mu lugero lwa Danyeri okutuusibwa ku nkomerero z’obwakabaka bwe Babulooni, olwo emyaka nga 68 bukya Danyeri ne banne bawambwa ne batwaalibwa e Babulooni, era mu ggyo nga baweerezza bulungi mu mirembe gyonna okuviira ddala ku gwa Kabaka Nebukadduneeza. Danyeri yali kaakano ateeberezebwa okuba emyaka egikunukkiriza mu 90 egy’obukulu.

Tusome essuula yaffe tulabe okuyigirizibwa mu yyo……

Kabaka Nebukadduneeza yafa oluvannyuma lw’okufugira emyaka 43.
Mutabani we Evirumerodaki n’amusikira nga bwe tugambwa mu 2 Bassekabaka 25:27-30, kyokka eyafugira emyaka ebiri gyokka n’attibwa omuko we Nerugalusalezeeri,(ayogerwaako mu Yeremiya 39:3), olw’obufuzi bwe obubi ennyo. Yye bwe yafa oluvannyuma lw’ekufugira emyaka ena endwadde, n’asikirwa mutabani we Laborosoakodi, eyali omwana omuto ate ng’alina obunafu ku bwongo, eyafugira emyezi mwenda gyokka, n’attibwa akabondo k’abasiguze, era bbo ne bassaawo Kabaka Nabonidasi, eyafuga Babulooni okutuusa Kuulo Kabaka w’Abaperusi bwe yawamba Babulooni nga bwe guli mu ssuula eno.
Kato w’obuuliza ate Berusazza nga tomwogeddeeko? Era eky’abuzaabuza nnyo bangi, kubanga mu byaafaayo kyaali kimanyiddwa nti Nabonidasi ye yali kabaka we Babulooni eyasemba.

Kabaka Nabonidasi olw'obutaba mu lulyo lwa Nebukadduneeza, yawa Berusazza mutabani we omukulu obufuzi bafugire wamu, era Yye teyabeeranga mu kibuga wabula Berusazza. Era kigambwa nti mu kaseera kano Nabonidasi yali agenze okulwana n'Abameedi n'Abaperusi ne bamuwambirayo, era kwe kujja okutwaala ekibuga, nga mu kaseera kano baali bakyebulungiridde emyeezi nga giigyo.
Kyokka Babulooni kyaaliko ebisenge ebinene ennyo, fuuti 87, n'obuwanvu fuuti 350, nga tebimenyeka, nga ne wankaaki za kikomo. Baalina eby'okulya bingi nga bibamazaako myaka, ate ng'omugga Fulaati guyita mu kibuga wakati, n'olw'ekyo nga tebeelariikirira na wa kujja mazzi.

Kye kyaayinuza Berusazza mu kifo ky'okusiiba n'adda mu bikujjuko makeke.( Instead of fasting, he took to feasting). Mu bbyo yegulumiza ne yeekulambiza ne ku Mukama Katonda wa Isiraeri okumuvvoola, anyweere omwenge mu bikompe ebitukuvu ebyaali byawambwa Jjajjaawe Nebukadduneeza okuva mu Isiraeri, ko Mukama nti "Ogalinnyidde gye gaviira….
Danyeri eyali yakuuma erinnya lye wadde era yayitibwanga Berutesazza, teyabeeranga wamu n'Abakaludaaya, era nga nkiwa yali Katikkiro eyawummuzibwa. Kyokka ng'ettutumu lye lyaali telyeerabirwanga. Era ne mu kiro kino eky'okutuukirizibwa kw'obunnabbi obungi, Mukama yamuggyayo abeere ku mwanjo.
Ye yekka eyasobozesebwa okuvvuunula ebigambo ebyaali biwandiikiddwa ku kisenge; "MENE MENE TEKEL UFARSIN", bye nnalabye nti byaalina amakulu agakwasiganyizibwa mu Lukaludaayo awamu ne mu Lwebbulaniya okutegeeza:
MENE: Obaliddwa(H) - N'okomekkerezebwa(C), Opimiddwa(C)- Ng'owewuka nnyo(H) era Ne Bagabana (C) – Abaperusi(H).

Eby'okuyiga mu lugero lwaffe luno ebikulu ku lwange bye bino;
Okunywa omwenge n'okubinuka biwemusa ekitiibwa ky'omuntu era by'abugwaagwa, bireetera okuzikirizibwa, era naddala eri abafuzi, Ngero 31:3,4 zigamba nti…..
Eky'okubiri, ba kabaka bonna balina okkimanya oba bajja kuleetwa okkimanya nti Mukama Katonda ali waggulu ennyo, y'afugira mu bwakabaka bw'abwe. Okuba waggulu ennyo tekitegeeza kuba mu ggulu ewala awatalabika kyokka wabula n'okuba ng'assukkuluma bonna, ne byonna wonna emirembe gyonna.

Eky’okusatu kwe kuba nti kkiriza oba gaana, Mukama Katonda y’alina omukka gwaffe mu ngalo ze, era amanyi engeri zaffe zonna .(lnny23b).
Eky’okuna ekikwasaganyizibwa n’ekyo waggulu kwe kuba nti buvunaanyizibwa bwaffe olw’ensonga eyo okumugulumiza, n’okumutendereza ne tweewaayo okumuweereza n’okumuwa era n’ommuweesa ekitiibwa.
Eky’okutaano, era ekinaasembayo mu ssuula yaffe eno ey’okutaano, kwe kuba nti omutima bwe gwegulumiza ne gukakanyala olw’amalala, oggyibwa ku ntebe n’ekitiibwa kyo ne kikuggyibwaako, n’otulugunyizibwa.
Nga bwe gwaali eri Nebukadduneeza kabaka omukulu eyasinga mu baamawanga okwaatiikirira, ne muzzukulu we Berusazza, era n’abalala ba Amiini, Emperor Haile selase, Gadafi, Saddamu, bwe banaakukakasa amazima ago……

N’olw’ekyo ffena tukikakase era tukikkirize nti KATONDA ALI WAGGULU ENNYO Y'AFUGA OBWAKABAKA BW'ABANTU. Tumutyenga okukira bonna era tumugulumizenga mu buli kimu emirembe gyonna. Amiina.